# Abakyala tukwatagane tukole bbanka eyaffe -Muky. Museveni

**Bya SHARON NABASIRYE**

MUKYALA w'omukulembeze w'eggwanga, Janet Kataha Museveni asabye abakyala okukwataganira awamu batuuke ku ssa ly'okukola bbanka.

Yabadde ku kisaawe e Kololo ku Lwokuna bwe yabadde atongoza ekibiina ky'abakyala ekya NRM National Women's League ekitambulira ku mulamwa ogugamba nti; Abakyala bonna ba Museveni.

Yatuuse ssaawa 8:00 ez'emisana n'ayanirizibwa omumyuka w'omukulembeze w'eggwanga, Rtd. Maj. Gen. Jesca Alupo, omumyuka wa Ssaabawandiisi wa NRM Rose Mary Namayanja n'abalala.

Omukolo gwetabiddwaako bassentebe b'ebibiina by'abakyala, abakiise ba Uganda mu mawanga ag'enjawulo, ebibiina by'abakyala mu poliisi, yunivasite, bannaddiini, abakyala abakwatidde NRM bendera ku bifo by'obufuzi eby'enjawulo n'abalala.

Essaala eyagguddewo omukolo yakulembeddwaamu Pasita Jessica Kayanja owa Miracle Cathedral- Lubaga.

Abamu ku bakyala abaamanyi abeetabye ku mukolo boogedde gavumenti ya NRM by'ebatuusizzaako olw'obukulembeze obulungi omuli okufuna ebyenjigiriza eby'omulembe, omukisa n'eddembe okukola n'ebirala. Ssentebe wa NRM owa National Women's League, Adrine Kobusingye ye yakulembeddemu enteekateeka eno.

Muky. Museveni yeebazizza abakyala abeetabye ku mukolo guno n'abasiima olw'obuwagizi bwabwe eri Pulezidenti Museveni.

Yabasabye okuyiira Museveni obululu nga bamulaga okusiima olw'obukulembeze bwe obulungi.

SHARON NABASIRYE



Ssentebe wa NRM National Women's League, Adrine Kobusingye (ku ddyo) ng'akwasa muka Museveni ekirabo okumusiima. Ku kkono ye mumyuka wa Pulezidenti, Jessica Alupo. (Kozesa Vision Digital Experience App, olabe vidiyo.